# Omuwendo gw'amasomero agatalina kompyuta gutiisizza bannabyanjigiriza

Bya PONSIANO NSIMBI



Abaneka

OMUWENDO gw'amasomero ga siniya agatalina masannyalaze, kompyuta ne yintaneeti gweraliikirizza bannabyanjigiriza ne basaba Gavumenti okubaako ky'ekolawo.

Kiddiridde ekitongole ekivunaanyizibwa ku baana mu nsi yonna ekya UNICEF n'ekya Master Card Foundation okufulumya lipoota ekwata ku nkozesa ya kompyuta mu masomero ga siniya okwetooloola eggwanga lyonna, ne bazuula nti ku masomero 3,000 ge baatuukamu, 1,277 nga bye bitundu 29 ku 100 tegalina yintaneeti, gatawaanyizibwa amasannyalaze era tegalina kompyuta zimala.

Lipoota eno yafulumiriziddwa ku wooteeri ya Protea mu Kampala mu lukung'aana olwabaddemu abakulu b'amasomero, bannabyanjigiriza n'ebitongole eby'enjawulo ku byensoma.

Avunaanyizibwa ku byenjigiriza mu UNICEF, Janet Akawo Abenaka yategeezezza nti, okunoonyereza kuno kwakoleddwa wakati wa December 2025 ne March 2026, ng'okusoomoozebwa okusinga kwekuusa ku bbula ly'amasannyalaze, omujjuzo mu masomero, ebbula ly'abasomesa abakugu mu bya kompyuta n'ebirala.

Abakugu abeetabye mu lukung'aana luno baasabye Gavumenti okubaako ky'ekolawo okusobozesa abayizi okusoma obulungi.

Minisita omubeezi ow'ebyenjigiriza avunaanyizibwa ku matendekero aga waggulu, Dr. JC Muyingo yagambye nti, kino Gavumenti egenda kukinogera eddagala n'agamba nti, mu kiseera kino buli ssomero lyetaaaga okuba ne kompyuta ezimala mu kusomesa abayizi.

"Tewali ssomero litandika ligenda kuweebwa layisinsi kuggulawo nga teririna kifo na basomesa ba kompyuta," Minisita Muyingo bwe yalabudde.

Yayongeddeko nti, essomo lya ICT lya nkizo kubanga y'engeri yokka Gavumenti gy'egenda okulwanyisa ebbula ly'emirimu n'okuwa abaana obukugu okwetandikirawo emirimu. Yagambye nti, mu bitundu ebitaliimu masannyalaze, bali mu nteeseganya ne minisitule y'ebyamasannyalaze okulaba nga gatuusibwayo.